EBBANJA BY PHAD

Posted by omumbejja - 2007/12/10 02:59

Owange Phad bwemmaze okuwulira oluyimba lwo luno nemmanya nti kati gwe ogenda okwefunira list yabantu abalina akaama ko kuba otutegezezzza nti tokyagaba bbanja kati owaayo buwi osigaze omukwaano nobulamu , nze ndowooza wandyongeddemu nti abaayagala okumuwola katugambe 20 alekawo 40

kati oli bwakitebereza okuleka ku zisinga zayagala okwewola nga yeyongerayo ewo mulala bwakubuuza nti lwaaki ndekawo ana nga njagala kwewola abiri ngo mugamba nti ana ge gokukuuma enkolagana yaffe ngekyaliwo okutuusa lwolikomyaawo zewewola awo mugenda kwawukana nga mukyategeragana. By the way this was a nice one like that one of Embaga nendala zonna ezitandeka wansi:P :P :P :P :P :P :P :P :P

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by omumbejja - 2007/12/27 02:21

Phad mmaze okuleeta amazzi agagendamu dozen yebimuli byange

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by Phad - 2007/12/27 02:45

---

omumbejja wrote:

Owange Phad bwemmaze okuwulira oluyimba lwo luno nemmanya nti kati gwe ogenda okwefunira list yabantu abalina akaama ko kuba otutegezezzza nti tokyagaba bbanja kati owaayo buwi osigaze omukwaano nobulamu , nze ndowooza wandyongeddemu nti abaayagala okumuwola katugambe 20 alekawo 40

kati oli bwakitebereza okuleka ku zisinga zayagala okwewola nga yeyongerayo ewo mulala bwakubuuza nti lwaaki ndekawo ana nga njagala kwewola abiri ngo mugamba nti ana ge gokukuuma enkolagana yaffe ngekyaliwo okutuusa lwolikomyaawo zewewola awo mugenda kwawukana nga mukyategeragana. By the way this was a nice one like that one of Embaga nendala zonna ezitandeka wansi:P :P :P :P :P :P :P :P :P

Munange webale kubusiima.....wabula kale singa namanya nga mpandiika ne nteekamu ka line ako...

Next time nja kukusaba onkolere omulimu..am serious by the way.

Ka nkuwe endagiriro yange owandike nkuwereze ku bupya olozeeko.

fanmail@phad-a-rhymz.com

Oba oli awo nga naafuna obuyambi ;) ;)

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by Phad - 2007/12/27 02:46

---

omumbejja wrote:

Phad mmaze okuleeta amazzi agagendamu dozen yebimuli byange

eeeh ..webale kunzijukiza sebo.

Kaakati tegeka n'ensuwa zaabyo.

Owa bodaboda ali mu kkubo ajja.

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by omumbejja - 2007/12/27 02:53

Owange ensuwa ennamba wabiggye wa ebyo simannyi ojjukila nti nasaba bimuli byandaggu ate sagala byebasizaamu bigimusa njagala biri ebitalabikira ddala

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by Phad - 2007/12/27 02:57

---

gwe wesirikire

Ensuwa ejjudde obugule,nga eriko n'omutwe.

Okukubbirako akatono,nabijje Nigeria.

Anti eyo teriyo kitasoboka.

Naye nga nakakasizz anga bimuli ddala eby'endagu eyaffe eye Baakijjulula.

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by omumbejja - 2007/12/27 03:01

Elinnya lyaabyo lyerisoose okuntiisa kati nno laba wano nze ate njagala biri byennyini ebiva ekyaddondo kuba eyo gyobiggye eriyo ebintu byesitegeera bulungi ssagala butuuke kiro bingambe nti tuyiweemu kko kutunnyu

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by Phad - 2007/12/27 03:08

Nkukakasa nga tebiireete buzibu bwonna.

Anti nawe eby'ekyaddondo obimanyi nga bwebitalabika,kyokka nga ate nze njagala okutuukiriza obweyamo.

Nfubye nnyo nkusanyuse era nsigale nga ndi musajja alemera ku kisuubizo,kyenvude mbinoonya ebunaayira.

Bw'oli mwana wa mwami,nkakasa nga toleme kukkiriza kubitwala nga bwebiri. Awo watya?

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by omumbejja - 2007/12/27 03:19

---

okuntwaaza ebyebunayira .....ha era mpozzi katulabe anti nze sagala bintu bitandika kwenyeenya mu matumbi budde ebintu byeeyo obimanyi okugenda okwetegreza nga mulimu omuntu gwebasibira mu ccupa . Ate ekirala genda okoone kuluyimba lwo munyalwanda otumale empaka ne Meli ye akitegeeramu bulala nange nkinnyonnyola bwange .luli mu your fav song on cu

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by Phad - 2007/12/27 03:38

Olwo ka nduwulirize enkya nkuddemu,kuba kati obutaala bwaka kalyolyongo bwagala kuzikira.

Tewerabira ka mail.

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by omumbejja - 2007/12/27 03:45

---

onooba tonatuuka ka ngakagobye dda kekagenda okusumulula obukondo bwonna bwewassa kuluggi, nebuuza lwaaki tosimbako nkoondo yokka, ate tewetaaga kuluwulira nange saluwulidde naye Meli yalunnyonnyodde nemuyambako okuluvvunula naye kale genda katadooba okawujje ekibatu wegendereze bed bugs bireme kutekako ga ttimba kumbwa that part of good night sleep tight literallyB)

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by omumbejja - 2007/12/27 04:15

---

phad ka mail kagaanyi ndowooza ekimotoka ekikaleeta kyaweddemu sakabuzooba ngendakukateeka kuggaali yalaare oba bano abebigaali botebaseera nyo ate zitukirawo

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by xaza - 2007/12/28 16:34

Hhaaa, bwolaba embwa ezanyikiriza ekiriba ng'enekirya. Eriiso lyomukulu awaddugala wewalaba.

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by Meli - 2007/12/28 17:01

Xaza, obujja butukutte, oba? Hhmmmn.

What a heart won't do?

When it's breaking in two...

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by omumbejja - 2007/12/28 23:01

Naye Xaza mbadde ngamba gwe bwogamba nti nyinza okuba mwannyoko, wandizze wali mukasonda nolaba oba Phad byeyetema byeebyo byakoze kati olwo ebyekiriba oyingizaamu byaaki kati ntuuse okkuba mungalabi yo ekituli

==========

Re:EBBANJA BY PHAD

Posted by Phad - 2007/12/29 01:10

---

xaza wrote:

Hhaaa, bwolaba embwa ezanyikiriza ekiriba ng'enekirya. Eriiso lyomukulu awaddugala wewalaba.

Yiii kaakati sebo xaza.

Bw'oba wekalirizza ku fembi nze n'Omumbejja ani mbwa,era ani kiriba?

Bwe zitaabe ndali,kirabika ku luno eriiso ly'omukulu liriko nsenke, nga lyetaaga kulaba optometrist.

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by omumbejja - 2007/12/29 01:20

Nze wakiri nze Phad gwennaalya naye ebigambo ebyokundya bijja kuba bizibu bwotebereza enkunyuula bwebeera eyekiriba nga tekyelwaana nako eee nze bannange nnonzeeko, kangira mbeera embwa nga Xaza tanasalawo

kati ggwe Phad ogira obeera ekiriba mpolampola

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by Phad - 2007/12/29 02:18

Naye ate nange ekiriba nga sikyagala bulungi!

Nteberezaamu,ekiriba tekinyega,bakisikaasikanya kiri cheeeeeeeee!

Ate nga nze nina kerere ya maanyi,saagala kunkavvula nga mbunidde.

Wakiri ka wowe naye sebo!

==========

Re:EBBANJA BY PHAD
Posted by omumbejja - 2007/12/29 02:47

---

kati nno biremye era ndowooza Xaza yeddize embwa nekiriba kyaakwo bwalijja nebirala ebisanyusa tulimuyamba okumaliriza akaboozi ke kano naye kati tukamuddize

==========